
# Kaweefube w'abalimi b'omuceere okudda ku kulunda ebyennyanja ayongeddwaamu amaanyi

Bya JALIAT NAMUWAYA



Maj. David Muwanga ng'alaga omulimu ogwatandikiddwaako ogw'okusima ebidiba by'ebyennyanja e Bukedi.

AB'EKITONGOLE kya ISO Pulezidenti be yakwasa omulimu ogw'okusomesa abalimi mu bitundu by'Obuvanjuba obulunzi bw'ebyennyanja battukizza kaweefube ow'okubuna ebitundu bino nga bayigiriza abalimi.

Kino kyaddiride Pulezidenti Museveni mu nkung'aana z'azze akuba ez'okunoonya akalulu okwongera okukkaatiriza ng'obulunzi bw'ebyennyanja bwe bufuna ennyo n'awa amagezi abalimi mu disitulikiti z'Ebuvanjuba bw'eggwanga okuli ab'e Pallisa, Budaka, Butalejja, Busoga n'awalala okuva mu bulimi bw'omuceere batandike okulunda ebyennyanja.

Kati aba ISO nga bakulembeddwamu Maj. David Muwanga baasookedde ku kyalo Tademere mu muluka gwa Yirabi e Budaka ng'ekitundu kino kimanyiddwa nnyo mu bulimi bw'omuceere ne babasomesa engeri obulunzi bw'ebyennyanja bwe bulimu amagoba amangi okusinga ku muceere singa bubeera bukwatiddwa bulungi.

Muwanga yannyonnyodde abalimi bano nti, Pulezidenti ayagala bagende nga bakyusa endowooza batandike okweyubula okuva mu bulimi bw'omuceere bajjumbire obulunzi bw'ebyennyanja bwe babeera nga baakulwanyisa obwavu.

Yawadde eky'okulabirako nti, amawanga mangi agayimiriddewo ku kulunda ebyennyanja era nga magagga nga gano kuliko; Nigeria, China, Philippines n'amalala n'abawa ekibalo nti, mu kidiba' ky'ebyennyanja kimu musobola okuvaamu ssente eziri eyo mu bukadde 160 ng'oli bw'aggyako z'abeera ataddemu abeera akyasobolera ddala okufissa amagoba agawerako so ng'ate era akatale k'ebyennyanja kagazi ddala.

Mu musomo guno omu ku basumba b'omu kitundu yawaddeyo akatundu ku ttaka lye awababadde walimibwa omuceere bateekewo ebidiba kwe banaasomesezanga abantu b'omu kitundu.

Erisham Kamaala, omu ku balimidde omuceere ebbanga eddene yeebazizza pulezidenti olw'okuvaayo n'enteekateeka eno ey'okulunda ebyennyanja n'annyonnyola nti, bagirinamu essuubi ery'amaanyi naddala mu kukyusa obulamu bwabwe.